# Engeri gy'oyamba omwana atulugunyizibwa ku mutimbagano

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

OKUTULUGUNYA abaana ku mutimbago (cyber bullying) ensangi zino bufuuse obulabe obw'amaanyi eri abaana baffe obwetaaga okwekengerwa abazadde ate n'okukola ekisoboka okulaba nga butangirwa.

Omuze guno gukolebwa ng'abaana basindikibwa obubaka obw'enjawulo obutyoboola eddembe lyabwe ng'abakola kino beeyambisa amasimu, ttaabu oba kompyuta abaana bye balina ensangi zino.

Omukugu mu nkuza y'abaana ate nga y'akulira okusomesa abasomesa ba nnassale ku yunivasite y'e Kyambogo Dr. Godfrey Ejju agamba: Ensangi zino omuze gw'okutyoboola eddembe ly'abaana ku mutimbagano gweyongedde nnyo.




Abakikola beeyambisa omukisa nti kati abaana baffe twabawa amasimu ne ttaabu olwo ne bayita okwo ne babalimbalimba wamu n'okutyoboola eddembe lyabwe. Ayinza okutandika nga mukwano gwe n'afuna ebimukwatako byonna. Bayinza n'okweweereza ebifaananyi. Ebyo byakozesa okutulugunya omwana wo.

Ensonga endala ereetedde omuze guno okweyongera kwekuba nti abazadde tetukyakubiriza baana kufuna mikwano, kati mikwano gyabwe ne giba gya masimu okwo ate nga kwekuli abantu ababi ababatulugunya.

### OBUZIBU OMWANA ATULUGUYIZIBWA BWAFUNA

- Kino kiviiriddeko abaana okufuna obuzibu mu ndowooza olw'okuba abamu ne kibaviirako n'obulwadde kubanga beeraliikirira ow'omuntu ayamuswaza ng'akozesa omutimbagano.
- Ayinza okutya okudda ne ku ssomero gyeyali.
- Adirira mu kusoma
- Abamu batuuka n'okwetusaako ebikyamu ebibaviirako n'okufa.

### BW'OLINA OKUYAMBA OMWANA WO OKUTULUGUNYIZIBWA

Mu nsonga ya tekinologiya, waliwo appu.z'osobola okuteeka ku ssimu neziba nga zikuwa obubaka nga ggwe omuzadde nti waliwo obubaka obukyamu omwana bw'ayinza okuba ng'afunye.

Appu zino tusobola okuzifuna nga tukolaganye n'abo abaakuguka mu bya kompyuta. Mu ngeri yeemu ggwe omuzadde tolina kukoowa kwogera na mwana wo, mufuule mukwano gwo era ng'asobola okukubuulira buli okusoomoozebwa kw'afuna oba mukwano gwe omupya gw'aba afunye.

Mu mbeera eno, aba ajja kusobola okukubuulira omuntu omupya ayinza n'okwagala okumutulugunya ku mutimbagano.Mu ngeri yeemu ne Gavumenti erina okuteekawo amateeka agalambika enkozesa y'omutimbagano kuba erina n'obusobozi okusiba emikutu gyonna abantu gye basinga okukozesa mu kutulugunya abaana.


Dr. Godfrey Ejju